# Obulabe bw'oteeka ku mwana wo ng'omusiba enviiri

**Famire**

Bya PETER SSUUNA

Abakyala bangi oluzaala omwana nga muwala balowooza ku kya kumusiba nviiri era obasanga n'owa wiiki bamutuzze ebituttwa awatali kulowoza ku bulamu bwe.

Okusiba omwana enviiri kiyinza okulabika ng'omusono n'alabika bulungi, naye kya bulabe bwa maanyi naddala singa zinywezebwa era wandyesanga omwanawo ameze ekiwalaata oba olususu lw'omutwe okwonooneka.

Be baana b'osanga nga bajjudde amabwa mu mutwe kyokka ng'omuzadde akyamutadde embira ku buviiri obukutuse okuggwa ku mutwe mbu anoonya bulungi.

Dr. Ronnie Mayengo omusawo eyeebuziibwako ku by'ensusu n'ebyenviiri mu ddwaaliro e Lubaga agamba nti, enviiri z'abaddugavu zaakula zeezinga ate nga nkalu mu butonde bwazo ekizireetera okukutuka amangu. Nga mu kino agamba nti, zeetaagisa okukwatibwa n'obwegendereza obutakuleetera bulabe.

### OBULABE OBUVA MU KUSIBA OMWANA ENVIIRI

- Okulumwa omutwe : Enviiri ezisikiddwa ne zinywezebwa, zirumisa omutwe ogw'amaanyi era kino kikosa obwongo bw'omwana.
- Okuzimba ebitulututtu : Omwana singa bamusika obuviiri ne buleeta obubwa oba okuggula obutuli mwe zissiza kyangu okulumbibwa obuwuka ne buvaako okukola ebisukko oba obutulututtu nga bwotobujjanjaba mangu buvaamu amabwa ag'amaanyi ate ag'obulabe.
- Okuggwaako kw'enviiri (Traction Alopecia) : Okunyweza ennyo enviiri kiyinza okuvaako okukonziba kwazo oba okuvaamu ebiwalaata eby'olubeerera.

Okusinziira ku kunoonyereza, abaana abaddugavu okuva ku bitundu munaana okutuuka ku 27 bafuna ekizibu kino ekireetebwa olw'okuzisiba nga zimyumyuddwa.

Ekisinga okubeera eky'obulabe kwe kubeera nga mu kuzisiba ate bateekamu ebirungo ebirala oba eddagala ng'ebizigo eby'enjawulo ebisobola okuleetawo embeera eno.


- Buli lw'osika enviiri, w'ozisikidde watera okuggyawo obuwundu obusikiriza obuwuka



Enviiri ezisibiddwa nga zino tezisaana ku mwana omuto.



Enviiri ezisibiddwa bweziti zanguwa okunaaza buli lunaku.



Dr. Ronnie Mayengo

- Okusiiyibwa : Olaba gwe omuntu omukulu obeera weetakula kati balirira omwana omuto ye zimuyisa zitya! Kino kiva ku kuzinyweza ate nga n'abamu tebazinaazaamu kyokka ng'omwana abeera mu bucaafu n'okuzannya ekisusse n'atuuyana ekireeta obujama nga kino kivaako obuwuka obukosa olususu n'okuleeta okusiiwa.

### BY'OBA OKOLA NG'OZISIBYE OKUMWEWAZA OBUZIBU

Dr. Mayengo annyonnyola nti, bw'oba osazeewo okusiba omwana enviiri, waalibadde omusiba ezo z'osobola okunaazaamu amangu nga bwe kiba kikulemeredde eky'okuzinaazaamu, waakiri zisumulule oluvannyuma lwa wiiki emu oba bbiri omusibe endala.

- Kuuma enviiri nga si nnywevu. Weewale okusiba omwana atannaweza wakati wa myezi 18 okutuuka ku myaka esatu enviiri. Tewetantala okusiba omwana akyakuba akawompo kuba olususu luba lugonda ate nga n'abamu abazisiba tebamanyi kwegendereza ekiyinza okukasuulamu n'okukakosa omwana wo n'ayonooneka.
- Kakasa nti, omwana asobola okutuula oba okulonda sitayiro ez'amangu ezitamukooye.
- Enviiri z'omwana zinaaze okukendeeza ku biragalalagala ebimuteekebwaamu nga bazisiba.
- Omwana musibe enviiri ze ez'obutonde ate nga tozinywezezza. Kino kimuwa okwetaaya n'atalumizibwa. Era bw'ozisiba zinaazengamu n'ebintu eby'obutonde nga ovakkedo, omubisi gw'enjuki, amenvu n'ebirala okusinga ebiragalalagala.

### TEWEEJINGIRA MU MUTWE GWA MWANA

- Enviiri z'omwana omuddugavu tezeetaaga kwejingiramu kuba tetulina nviiri nnyingi, ate za lumaggamagga ku mutwe kyokka bw'oba osazeewo kuzisiba tozinyweza.
- Yiga okunaaza enviiri z'omwana, kuba omwana atuuyana, olususu lusobola okufa ekireeta situka eby'obulabe. Enviiri z'omwana zeetaaga okunaazaamu buli lunaku.
- Weewale okussaako enviiri enkolerere ku mwana kuba ziba zimuzitoowerera ekiyinza okusika olususu lw'omuto ne luyulika ate n'okusiiwa ekirwaza olususu olw'ebiragalalagala bye bakozesa mu kuzikola mu fakitole.
- Ggwe agenda okuzisiba, sooka okole okunoonyereza ku misono egitali gya bulabe eri omwana ate era genderera n'obukugu bw'oyo azisiba kuba mulimu abasiba obubi ne balwaza abaana.
- Bw'olaba omwana ng'afunye obuzibu okugeza ebiwundu, okulumwa kw'omutwe genda eri omusawo akubuulire ekivuddeko embeera eno ate era osobola n'okubuuza ku musawo ku ngeri gy'osobola okulabirira omwana wo omutaase endwadde.

## Naawe asala enviiri z'omwana teweeyibaala

Dr. Mayengo alabula ku batwala abaana okubasala enviiri n'ebyuma by'amasannyalaze mu saluuni okwegendereza ebifo we mubatwala.

**1** Kakasa nga wayonjo, tosala mwana wo nviiri nga tebasoose kulongoosa kyuma ekyo ekiyinza okuleeta endwadde z'omu mutwe ng'okubutuka, ebizimba, ebiguuna n'ebirala.

**2** Tokkiriza kusalako nviiri za mwana kuzimala ku mutwe kubanga kino kivaako obuviiri obumera okufumita olususu ne buleeta amabwa. Kino kiri kiti kubanga, omwana w'omuddugavu alina enviiri nnyimpi ate nga ngumu, mu kaseera k'okumera zifumita omubiri okuvaayo ekireetawo obuwundu obuyinza okusikiriza obuwuka obusirikitu ne bwonoona olususu lw'omutwe nga bugulidde.

**3** Weewale n'okunaaza omwana ebika bya ssabbuuni buli ky'osanga, munaaze n'oyo aweeweeza olususu kuba tekyetaagisa mwana kuba na lususu lukalu.

## Abantu kye bagamba



Alex Kisaawuzi : Nze sikkiriza mwana muto yenna kusiba nviiri kuba bireetera abaana okubulwa emirembe naddala mu budde bw'ekiro, basula beetakula nga basiiyibwa n'okubulwa otulo olw'enviiri.



Oliva Nassuuna : Omwana kyalibadde kisaana n'omusiba enviiri ng'atuuse mu myaka waakiri musanvu kuba enviiri zisiiwa, kati bw'ozisiba omuto ennyo ayinza okwetakula obubi ate n'afuna amabwa mu mutwe.



Gertrude Nabukeera : Nze sikirabamu buzibu nnyo singa omusiba enviiri nga tezimyumyuddwa kuba ffe abakyala twagala abaana baffe okulabika obulungi.